# KCCA ekoze pulaani ekyusa endabika y'enzigotta z'e Kawempe

Bya SARAH ZAWEDDE

EKITONGOLE kya KCCA kikoze pulaani egenda okukyusa endabika y'enzigotta ya Kawempe.

Akulira okuteekerateekera munisipaali ya Kawempe, Villey Albert Agaba yagambye nti, bali kaweefube wa kukyusa endabika ya Kawempe nga pulaani gye balina yaakutandikira mu miruka ebiri omuli ogwa Bwaise II ne III egyetooloodde ekitebe kye munisipaali eno.

Yabyogeredde mu musomo ng'abakungu ba KCCA okuva mu bitongole eby'enjawulo ebiteekerateekera ekibuga basisinkanye bassentebe b'ebyalo mu Kawempe okubategeeza ku pulogulaamu y'enkulaakulana eno egendereddwaamu okukyusa endabika ye kitundu kino.


Omuluka gwa Bwaise II gulimu zooni okuli; Lufula, Katale, Jambula – Kimmombasa, Nabukalu, Nakamiro, Mukalazi, Mugowa ne Tebuyoleka ate omuluka gwa Bwaise III mulimu; Kalimali, Bokasa, Bugalani, St. Francis, Katogo ne Kawala Road ng'omulimu guno gwakwasiddwa kkampuni ya Pride East Africa.

Agaba yagambye nti, ekitundu kino kijjudde amayumba g'omugotteko omuli abantu abangi ddala ng'ettaka lyawo lya bbeeyi kyokka abalinawo poloti baazimbako ennyumba ezitatuukana na mutindo ezeetaaga okukulaakulanya zikyuse endabika y'ekitundu.

Yasabye abatuuze mu kitundu kino okuwandiisa ebifo byabwe mu kitongole kya Buganda Land-Board ne KCCA basobole okufuna ebiwandiiko ebibakwatako ebiraga obwannannyini ku bifo byabwe.

Amyuka Mmeeya wa Kawempe, Badru Bakojja yagambye nti, enteekateeka eno ekoleddwa nga tegenda kunyigiriza batuuze basangiddwaamu wabula mwasaliddwaamu ebitundu ennyumba eziwera 100 mwe zaagattiddwa wamu mwe bagenda okuzikulaakulaanyiza.

Bakojja yayongeddeko nti, ekitundu kino kikulu mu Kawempe kyokka mujjudde enzigotta y'amayumba nga temuli makubo galambikiddwa kutambuza bantu nga ne bwe bafuna obuzibu okuli omuliro okukwata, kizibu obuyambi okubatuukako.



Obumu ku buyumba obw'omugotteko mu bitundu by'e Bwaise.

## Kye bagamba


**Livingstone Kasiribiti:** Emisomo gino mirungi kuba gituzibudde amaaso naye gyetaaga okutwala ne wansi mu byalo abantu bonna ne bategeera bulungi ebiba bigenda mu maaso.


**Ying. Henry Buule Nsubuga, kkansala e Kawempe :** Bwaise gwe mutima gw'enkulaakulana ya Kawempe kyokka obeera waggulu n'olengera amayumba nga gali mu mbeera embi.


**Daniel Mayombwe, Kanyanya :** Ebintu bingi ebigatta ku nkulaakulana y'ebitundu ebityoboddwa, omuli n'okumenyawo ebipande ebirambika amakubo ku nguudo. .